

OKULANGIRIRA KWA UNITED NATIONS KU DDEMBE LY'ABALIMI N'ABANTU ABALALA ABAKOLERA MU BYAALO



Table of Content

OKULANGIRIRA KWA UNITED NATIONS KU DDEMBE LY'ABALIMI N'ABANTU ABALALA ABAKOLERA MU BYAALO

Ebiri Munda

Okulangirira kwa United Nations ku Ddembe ly'Abalimi n'Abantu Abalala Abakolera mu Byaalo.

Ennyanjula.....	3
Entegeka	7
Akawayiri 1. Okumanya ku balimi n'abantu abalala abakolera mu byalo.....	11
Akawayiro 2. Emitendera emikulu egy'amawanga	12
Akawayiro 3. Obwenkanya n'obutasosola.....	13
Akawayiro 9. Eddembe ly'okwetaba.....	16
Akawayiro 10. Eddembe ly'okwenyigira	16
Akawayiro 11. Eddembe ku mawulire.....	17
Akawayiro 12. Okufuna obwenkanya.....	17
Akawayiro 13. Eddembe ly'okukola.....	18
Akawayiro 14. Eddembe ku butebenkevu n'obulamu ku mulimu...	18
Akawayiro 15. Eddembe ku mmere n'obuyinza ku mmere	19
Akawayiro 16. Eddembe ku nnyingiza ennungi n'embeera n'aamakubo g'okulima	20
Akawayiro 17. Eddembe ku ttaka	21

Ebiri Munda

Akawayiro 18. Eddembe ku bitwetolodde ebiramu, ebiyonjo era ebitebenkevu	22
Akawayiro 19. Eddembe ku nsigo	22
Akawayiro 20. Eddembe ku butonde bw'ensi	23
Akawayiro 21. Eddembe ku mazzi n'obuyonjo	24

Table of Content

Akawayiro 22. Eddembe ku by'okwerinda byabulijjo	24
Akawayiro 23. Eddembe ku bulamu bw'omubiri n'obwongo	24
Akawayiro 24. Eddembe ku w'oklusula awamala.....	25
Akawayiro 25. Eddembe ku by'enjigiriza n'okutendekebwa.....	25
Akawayiro 26. Eddembe ku by'obuwangwa n'ennono.....	25
Akawayiro 27. Obuvunanyizibwa bwa United Nations n'ebibiina ebirala eby'Ensi yonna	26
Akawayiro 28. Emitendera emikulu.....	26

Ennyanjula

Okulangirira kwa United Nations ku Ddembe ly'Abalimi:

Ebyayita, Obuwanguzi, n'okusomoozebwa gye bujja

Ku Ddembe n'Ettaka!

Nga 17th December 2018, olukiiko lwa General Assembly olwa United Nations lwakkiriza “Okulangirira kwa United Nations ku Balimi n'Abantu abakolera mu Byaalo”. Ekikozesebwa ky'ebyobufuzi kino kyetulaba ng'obuwanguzi kyatandikibwa La Via Campesina (LVC) n'enkola ennyigiriza n'okussa mu kattu okubeerawo kw'abalimi n'obuyinza ku mmere.

Emyaka egiwerako, enteekateeka eno yakubaganyizibwaako ebirwoozo ey'okuba n'ekikozesebwa eky'ensi yonna munda era mu 2001, ba mmemba ku lukkiko lw'abalimi bakikkiriza mu bujuvu mu ttabamiruka wa Conference on Agrarian Reform and Peasant Rights, olwategekebwa Serikat Petani Indonesia (SPI) mu Indonesia.

Oluvannyuma, mu 2004, mu ttabamiruka owokuna owa International Conference of LVC mu Sao Paulo, ekisinde ky'abalimi mu nsi yonna kyakakasa Action Plan eddembe ly'abalimi mu nsi yonna. Era, mu International Conference on Peasant Rights olwategekebwa aba LVC mu Jakarta, okulangirira eddembe ly'abalimi – abaami n'abakyala kwakolebwa, oluvannyuma gaalongosebwaamu mu lutuula olwokuna olwa International Conference of La Via Campesina mu Maputo, omwaka gwegumu. Okuva olwo, nga bali wamu ne banywaanyi baabwe ababegattako mu kkubo, okugeza CETIM ne FIAN International, La Via Campesina baatandika ku ddimu eritegeeza emyaka 18 egy'okukunga n'okugattagatta nnyingo ku nnyingo ekintu eky'obuntu ku mutindo gw'ensi yonna okutumbula eddembe ly'obuntu ery'abakyala n'abaami.

Obukadde bw'abalimi n'abantu mu byalo ng'obulamu nebyebakola biyimiriddewo ku ttaka, ebibira, emigga n'amayanja, eddembe lya UN lino kikozebwa kyamaanyi okugumya amaanyi gaabwe nebyebasalawo mu byaalo byabwe. Era kiteekawo amateeka awamu n'okulondoola ku mutendera gw'ensi yonna okulungama amateeka n'enkola ku mitendera gyonna okugasa abaliisa ensi.

Mu kiseera kino, abalimi n'abakolera mu byaalo abalala bayita mu

kusomoozebwa okw'enjawulo omuli okusosolebwa bwebagezaako okwefunira obulamu obulungi ng'abalimi b'ebitundu byabwe. Basengulwa ku mpaka, okusosolebwa n'okufa.

Ebbula ly'emmere eryeyongera mu gye 90 likyaliwo paka kati, ng'era lyakakasibwa n'ekitongole kya FAO, ekyawaliriza ekibiina ky'ensi yonna eky'eddembe ly'obuntu ekya United Nations Council on Human Rights (UNHRC), okukola okunonyereza nekizuuka nti okusola abalimi n'abakolera mu byaalo kiva kubutaba nabwenkanya ku buyinza ku ttaka, obutonde awamu n'ebintu ebirala eby'obutonde. Okubateekako ekkomo ku butale n'okulima kyaazyiza abalimi okwelimira emmere eyaabwe.

Okunoonyereza kwaalaga nti obutali bwenkanya buno kwasajjilwa amateeka g'amawanga ageby'obulimi agagasa amakampuni, bannanyini mataka, ba contractor b'ennima ey'omulembe awamu n'amakampuni g'ebiyobulimi. Okunonyereza kuno kwaakolebwa akakiiko akawi k'amagezi aka UNHRC era nekukkirizibwa mu lutuula lwa 21 mu 2012.

Oluvannyuma, mu September 2012, akabinja ka Open-ended intergovernmental working group katondebwaawo, n'ekigendererwa ky'enteseganya, okumaliriza n'okuwaayo ebitukiddwaako eri Human Rights Council "Eddembe ly'abalimi n'abantu mu byalo eryalangirirwa United Nations". Entuula z'okukkanya ettaano zatuula wakati wa 2013 ne 2018. Nga, 28th September 2018, mu lutuula olwa 39th olwa UNHRC, amawanga 47 ga mmemba gaasemba eddembe lino, ekyaleeta okukkirizibwa mu General Assembly ya United Nations nga December 17th 2018.

Obuwanguzi buno obw'ebyaafaayo bujira mu kaseera akatuufu, okuva bwekiri nti abalimi n,abantu mu byalo abasoba mu kawumbi, abakola bisatu byakuna mu nsi yonna eddembe lyaabwe lirinyirirwa. Kiseera ng'eddembe ly'abakozi lirinyirirwa, okwonoona obutonde n'okwezzibwa abantu ab'olubatu; mu kaseera nga ssente zezifuga ettaka, amazzi, eby'obugagga by'omuttaka, amafuta, ensigo mu bumenyi bw'amateeka. Era kyeraga lwaatu nti ebikolwa by'ennima y'omulembe n'okuyikuula byongera kwonoona butonde bwansi.

Ensangi zino, abalimi banyigirizibwa amateeka ga musibabyaayi mu nsonga z'ebiyobulimi n'ensimbi; y'ensonga y'embeera embi ey'okukola, okugobwa mu ttaka n'amayumba gaabwe, nebafuuka bamenyi b'amateeka n'obutemu.

Abalimi bebasinga okukosebwa ennyo enjala n'obwaavu.

Okusinziira ku alipoota ya FAO 2018 mu mbeera y'okutereka emmere

n'endya ennungi mu nsi, enjala yeyongedde era ekosa abantu abasoba mu bukadde 821, ng'abasinga ku bano banaku. Obutonde, ku ngeri y'okulima kw'abalimi eyesigamizibwa mu kuzimba ntambula ya mmere, eddirira, nga bwekyayogerwako mu alipoota ya FAO 2019 eya "The State of the World's Biodiversity for Food and Agriculture".

Ekigendererwa ekikulu ekya UNDROP kyetoololera ku ddembe ri ensigo, ensigo n'obutonde awamu n'eddembe mu buyinza eri emmere(nga ddembe ly'abantu okumanya emmere gyebetaaga awamu n'ebiyobulimi kwossa n'eddembe eri emmere ennamu era eyeetagisa)

Eddembe ly'abalimi erya UN liteekawo omukululo ogumalawo obukwakkulizo mu mateeka, n'ebijirako ebiwagira okwonoona, okunyigiriza n'okusengula abalimi nga kiwagirwa gavumenti n'ebitongole ebirala eby'ensi yonna. Oluvannyuma, gawa abalimi eky'okukozesa eri abalimi n'abantu mu byalo okusaba gavumenti zaabwe okubaga amateeka aga buli muntu agagendereddwaamu okugonjoola n'okwewala obutali bwenkanya mu bitundu.

Okulangirira kwa UN era kwogera ku ddembe ly'abalimi okulwanirira obwa nannyini ku ttaka, ensigo, amazzi, obutonde n'ebirala, awamu n'ebiyokwerinda byabulijjo, obujanijjabi awamu n'embeera y'okukoleramu ennungi. Gakubiriza nti eddembe ly'ebyenfuna, eby'ensimbi, obufuzi, obuntu, obutonde bw'ensi n'eddembe lyonna terisosola ate lya buli muntu, okulangirira kuno kukola nga amaanyi g'enkyuukakyuka okulwanyisa ebikolwa by'abamaanyi.

Ng'oggyeeko okuba n'akawaayiro akakkiririza mu bweyaamu bwaabwe, okulangirira kwa UN era kuteeka mu buli kawayiiri obweyamu n'okusemba kw'amawanga. Kino kitegeeza tekukoma ku kunnyonyola ku ddembe ly'abalimi wabula n'okulaba nti liteekebwa mu nkola. Mu kiwandiiko kino, kyongerera okukakasa omugaso n'obwetaavu bw'okulima okunyweeza eddembe ku ttaka.

Okulangirira kwa UN kuwa enkola ku mutendera gw'ensi yonna ogw'amateeka n'ekigendererwa kya:

- Okutumbula ku bukuumi bw'eddembe ly'abalimi(abakyalala, abaami n'abavubuka) n'engeri y'okwerimiramu mu byaalo;
- Okwongerera amaanyi mu bwanannyini ku mmere, amaanyi mu kulwanyisa okukyuuka mu mbeera y'obudde n'okukuuma obutonde bw'ensi;
- Okutondawo ennongosereza ku kulimira ku ttaka n'okukuuma abalimi eri ekibba ttaka;
- Okukakasa eddembe ly'abalimi

- okutereka, okukozesa, okuwanyisiganya n'okutunda ensigo;
- Okukakasa emiwendo egyegasa eri ebirime by'abalimi n'omutindo abakozi kwebakolera, wamu
- N'okutunuulira eddembe ly'abalimi abakyala n'abavubuka n'okuleetawo obwenkanya eri ababntu mu biti byonna, awatali kusosola mu langi, eddini, ekika, n'eggwanga.


N'olwekyo, okulangirira kwa UN kukakasa nti eddembe ly'obuntu lya buli muntu wabula ssi abo ab'olubatu. Kikakasa nti okuwa abantu byalo eddembe lyaabwe, kiwa obuyinza eri ba mmemba mu UN n'okubajjukiza kyebagenderera okutumbula obukuumi n'okukyuusa eddembe ly'abalimi n'abantu abalala mu byaalo.

Mu ndowooza eno, omulimu gwaffe nga La Via Campesina kutwaala buvunanyizibwa mu mikono gyaffe n'okukunga ensibuko zaffe, okutegeka ettendekero lyeby'obufuzi ku kino, okugakozesa mu mitendera emituufu nga gawagirwa balimi, n'okukunga ebitundu okutondawo enkola ey'ebitundu n'amawanga egendereddawo okuteeka okulangirira kuno mu nkola, okusobozesa, amawanga, mu mitendera gyabwe gyonna, okutuukiriza ekigendererwa kyaabwe eky'okulaba nti ekitiibwa n'obwenkanya eri abalimi okwetoolola ensi.

TULIISA ABANTU BAFFE N'OKUZIMBA ENKOLA OKUKYUUSA ENSI!

BUNYISA ENJIRI, BUNYISA ESSUUBI!

La Via Campesina.





General Assembly

Ebyasalibwaawo ebyakkirizibwa General Assembly wa 17th December 2018

[ku alipoota ey'akakiiko ak'okusatu (A/73/589/Add.2)]

73/165. Okulangirira kw'eddembe ly'abalimi n'abantu abakolera mu byalo okwa United Nations.

The General Assembly,

Okwaniriza okukkiriza okwa Human Rights Council, mu nzikiriganya yaayo 3 9/12 eya 28th September 2018, emu ku kulangirira kw'eddembe ly'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo,

1. Okukkiriza kw'eddembe ly'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo, nga bwekyakkirizibwa nemu kusooka era nakati;
2. Okuyita zi gavumenti, n'ebitongole bya United Nations n'ebitongole bya gavumenti neby'obwanakyeewa okusaasanya okulangirira kuno n'okutumbula ekitiibwa kyawamu n'okugategeera;
3. Okusaba kwa Ssabawandiisi okwongera okulangirira mu kitundu ekirala eky'eddembe ly'obuntu: Okugatta kw'amateeka g'ensi yonna.

Olutuula lwa 55th

17th December 2018

Laba ebiwandiiko ebitongole ebya General Assembly, 73rd Session, Supplement No 53A (A/73/53/Add.1), cap 11.

A/RES/73/165**Ebyayongerwako****Okulangirira kw'eddembe ly'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo**

The General Assembly,

Okujjukira amateeka agaalangirirwa mu kusalawo kwa United Nations, ebyogera ku kitiibwa n'omugaso n'obwenkanya mu ddembe ly'abantu bonna, ng'omusingi gw'eddembe n'obwenkanya mu nsi,

Okubalirira amateeka agaalangirirwa Universal Declaration of Human Rights², International Convention on the Elimination of All Forms Of Racial Discrimination³, International Covenant on Social, Economic and Cultural Rights⁴, International Covenant on Civil and Political Rights⁴, International Convention of All Forms of Discrimination against Women⁵, the Convention on the Rights of the Child⁶, the International Convention on Protection of the Rights of All Migrant Workers and Members of Their Families⁷, entuula ezetagisa eza International Labour Organisation n'entuula endala ku mutendera gw'ensi yonna, ezikkiriziddwa ebitundu oba ensi,

Okukakasa ku ddembe ly'enkulakulakulana, nti era ddembe eriweebwa omuntu era atekeddwa okulyenyigiramu, okukolerera, n'okunyumirwa enkulakulana mu by'obufuzi, enfuna, obuwangwa n'enkulakulana y'abulijjo, mu ngeri eddembe lyonna gyerituukirizaamu,

Okukakasa okulangirira ku ddembe lya UN ku nsibuko,

Okukakasa nti eddembe ly'obuntu lya buli muntu, teryekubira, era lirina okukwasibwa mu mazima n'obwenkanya, mu nkola y'emu n'entambuza, n'okujjukira nti okutumbula n'okukuuma erimu ku ddembe kirina okuleka America okukuuma n'okutumbula eddembe eddala,

Okutegeera ku nkolagana n'enkwatagana ey'enjawulo wakati w'abalimi n'abantu abalala abakolera mu byaalo, n'ettaka, amazzi n'obutonde byebesigamyeko n'obulamu bwaabwe,

Okusiima ebyayita, ebiriwo, neby'omumaaso abalimi n'abantu abakolera mu byalo bye bakoze mu bitundu byonna eby'ensi, okukulakulanya, okutumbula n'okukuuma obutonde, okutambulira ensibuko y'okulima emmere mu nsi yonna, nekyebakoze okulaba nti eddembe ly'emmere emala awamu n'obukuumi bw'emmere, eky'omugaso ennyo mu kutuukiriza ebiruubirirwa by'enkulakulana ebyakkirizibwaako, omuli ne Agenda for Sustainable Development,¹⁰

2 Resolution

3 United Nations, Treaty Series, vol. 660 No. 9464

4 See Resolution 2200 A (XXI) annex

5 United Nations, Series, vol.1249, 20378

6 Ibid., vol.1577, No 27531.

7 Ibid., vol. 2220 No 39481

8 Resolution 41/128, annex

9 Resolution 61/295, annex

10 Resolution 70/1

A/RES/73/165

Okufaayo nti abalimi n'abantu abakolera mu byaalo bayinza okuba babonabona n'obwavu, enjala n'okukonziba,

Okufaayo nti n'abalimi wamu n'abantu abakolera mu byalo babonabona olw'okwonoona obutonde bw'ensi n'okukyuuka mu mbeera y'obudde,

Okufaayo ku balimi abakaddiwa n'abavubuka abeyongera okusengukira mu bibuga n'okukuba emabega eby'okulima awamu n'obulamu bw'omukyalo, n'okumanya obwetaavu bw'okutumbula eby'enfuna, n'okutondawo emirimu egitali gya nimiru naddala mu byalo,

Okutemezebwaako omuwendo gw'abalimi n'abantu abakolera mu kyaalo abagobwa n'okusengulwa ku ttaka buli mwaka,

Okutemezebwaako ku muwendo gw'abalimi abeyongera okwetuga mu nsi ezitali zimu,

Okukakasa nti abalimi abakyaala n'abakyaala abalala mu byalo nti bakola omulimu munene mu by'enfuna by'amaka gaabwe wamu n'ebyenfuna mu byaalo n'eggwanga okutwaliza awamu, nga mulimu nga bayita mu mirimu gyaabwe mu bibiina ebitali bya nsimbi, wabula nga bammibwa obwannanyini ku ttaka, obwenkanya ku ttaka, ensimbi eziva mu birime, eby'ensimbi, amawulire, emirimu oba obukuumi bwa bulijjo, era nga batulugunyizibwa nnyo obusambattuko n'okusosolebwa mu ngeri ezitali zimu,

Okwoogera ku kukuuma n'okutumbula eddembe ly'abaana mu byaalo, nga mulimu n'okugoba obwaavu, enjala n'okukonziba, okutumbula eby'enjagiriza ebirungi neby'obulamu, okubakuuma eri ebiragalalagala, n'okumalawo okukozesa abaana, nga bikwatagana ku ddembe lya buntu,

Okwoogera ku nsonga ezizibuwaliza abalimi n'abantu abakolera mu byalo, okuli n'abavubi n'abakola mu byennyanja, abalunzi, abeebibira wamu n'abantu abalalamu byalo, amaloboozi okuwulirwa, okukuuma eddembe lyaabwe ly'obuntu n'okukuuma enkozesa y'obutonde bw'ensi nga bwekitekeddwa,

Okumanya nti abalimi mu byalo bakyalemesebwa okutuuka ku ttaka, amazzi, ensigo, n'obutonde obulala, n'okwoogera ku mugaso gw'okutumbula obutonde bw'ensi n'okusiga mu nkulakulana mu byalo,

Okumatira nti abalimi n'abantu ababeera mu kyalo balina okuwagirwa olw'amaanyi gaabwe okutumbula okulima ekw'obutonde, era okumanyikiddwa nga Maama w'Ensi mu nsi eziwerako n'ebitundu, omuli n'okussa ekitiibwa mu maanyi g'obutonde okukolera mu butonde,

Okutunuulira embeera ezisanyaawo mu bitundu by'ensi by'enjawulo abalimi abasinga n'abantu abakolera mu byalo balina okukolera, era bammibwa omukisa

gw'eddembe lyaabwe, n'obutasasulwa kimala n'obukuumi,

Okukwatibwaako nti abantu sekinnomu, ebinja, n'ebitongole ebitumbula n'okukuuma eddembe ly'abo abakolera ku ttaka n'obutonde bw'ensi bali mu katyabaga k'okutiisibwatisibwa okwenjawulo n'okutyoboola ekitiibwa kyaabwe eky'omubiri,

Okumanya nti abalimi n'abantu abalala abakolera mu byalo bafuna obuzibu mu kugenda mu kooti, abaserikale, abawaabi, ne bannamateeka okutuuka ku ssa nti tebasobola kwekubira mangu nduulu ku busambattuko, okulinyirirwa, n'okwonoonebwa,

Okukwatibwaako ku bibungesebwa ku biva mu mmere, entambula y'emmere eyekubira eyeyongedde n'obuyinza obwekubira mu mutindo gw'emmere, ebitakwataganya kwenyumiriza mu ddembe lya buntu,

Okukakasa ku ddembe ly'enkulakulakulana, nti era ddembe eriweebwa omuntu era atekeddwa okulyenyigiramu, okukolerera, n'okunyumirwa enkulakulana mu by'obufuzi, enfuna, obuwangwa n'enkulakulana y'abulijjo, mu ngeri eddembe lyonna gyerituukirizaamu,

Okujjukira eddembe ly'obuntu okulituukiriza, okukwanaganya nebekikwatako, mu International Covenants on Human Rights, obuyinza obujjuvu eri obutonde n'obugagga bwaabwo,

Okumanya nti obuyinza ku mmere bukozeseddwa mu mawanga mangi n'ebitundu okukkiriza eddembe ku kunyonyola ku mmere n'obulimi n'emmere ennamu era ennungi erimwa mu ngeri etakosa butonde bwansi era mu ngeri ekuuma eddembe ly'obuntu,

Okumanya nti omuntu, okuba n'emirimu eri abantu abalala abalala n'ekitundu mwava, kiri wansi w'obuvunanyizibwa okulwanirira okutumbula n'okulondoola eddembe eryogerwako mu kulangirira ne mu mateeka g'ensi,

Okukakasa omugaso gw'okussa ekitiibwa mu kugatta obuwangwa n'okutumbula okukkiriza, okwogera n'okukwatagana,

Okujjukira ku kusemba n'enkiiko ez'enjawulo eza International Labour Organisation ku kukuuma abakozi n'emirimu emirungi,

Okujjukira ku lutuula lwa Convention on Biological Diversity¹¹ ne Nagoya Protocol on Access to Genetic Resources ne Fair and Equitable Sharing of Benefits Arising from Their Utilization to the Convention on Biological Diversity¹²,

11 United Nations, Treaty Series, vol. 1760, No. 30619

12 United Nations Environment Programme, document UNEP/CBD/COP/10/27, annex, decision

13 United Nations, Treaty Series, vol. 2400, No. 43345.

14 Food and Agriculture Organisation of the United Nations, document CL 14 4/9

Okujjukira omulimu gwa Food and Agriculture Organisation ekywa United Nations ne Committee on World Food Security ku ddembe ly'emmere, okukwasisa eddembe lino, olukusa ku butonde n'eddembe eddala ery'abalimi, wamu ne International Treaty on Plant Genetic Resources for Food and Agriculture¹³, ne Organisation's Voluntary Guidelines on the Responsible Governance of Tenure of Land, Fisheries and Forests in the Context of National Food Security,¹⁴ the Voluntary Guidelines for Securing Sustainable Small-Scale Fisheries in the Context of Food Security and Poverty Eradication ne the Voluntary Guidelines to Support the Progressive Realization of the Right to Adequate Food in the Context of National Security,¹⁵

Okujjukira ebyava mu World Reform on Agrarian Reform and Rural Development, ne the Peasants' Charter ezatondebwaawo, mu bwetaavu bw'okutondawo enkola ennungamu mu kulongoosa mu bwannanyini ku ttaka n'enkulakulana mu byaalo, n'obukodyo obulimu enkulakulana y'eggwanga, yakubirizibwa,

Okukakasa okulangirira okwakakolebwa n'endagaano ku mutendera gw'ensi yonna okuwagira ekirowoozo ky'okuwagira eddembe ly'obuntu,

Bamalirivu okugenda mu maaso n'okweyama mu nsi yonna n'ekirowoozo ky'okufuna eddembe eritaggaawo mu ddembe ly'obuntu, mu bweggasi n'okukolera awamu mu bitongole by'ensi yonna,

Okumatizibwa ku bwetaavu bw'okukuuma eddembe ly'obuntu ery'abalimi n'abantu abalala abakolera mu byaalo, n'enzivunula ey'omuggundu awamu n'okuteeka eddembe ly'obuntu ery'ensi yonna n'omutindo mu nsonga eno,

Byogerwako biti wammanga:

Akawaayiro 1

1. Ku lw'ensonga y'okulangirira okwakakolebwa, omulimi ye muntu yenna eyenyigira oba ayagala okwenyigira, ng'omuntu, ng'ekibinja n'abantu abalala oba ng'ekitundu, mu kulima okutonotono okw'akatale, neyesigamira wabula ssi nnyo ku bantu b'ewaka mu nnimiro oba engeri endala ey'okutegekamu abakozi etali ya ssente, n'oyo alina obwesige n'akakwate mu ttaka,
2. Okulangirira kukola ku buli muntu eyenyigira mu kulima okutonotono, okusimba ebimera, okulunda, okuvuba, ebibira, okuyigga oba okukungaanya, n'ebymikono ebyekuusa ku by'obulimi oba emirimu egyekuusa ku bulimi. Era kikola ne kub'omunju y'abalimi.
3. Era kukola ku balimi n'ebitundu ebikolera ku ttaka, abalunzi abasenguka, abalunzi banagana n'abo abasaamusaamu, n'abatalina ttaka abenyigira mu mirimu egyo waggulu.
4. Era kukola ne ku bakakasi, omuli abatambuze nga tofudde ku bikwata ku butambuze bwaabwe, abakozi b'ekiseera, ku masamba, ku ma faamu, ebibira n'ebidiba ne mu malongoserezo g'ebirime.

Akawaayiro 2

1. Amawanga galina okussa ekitiibwa, okukuuma n'okutuukiriza eddembe ly'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo. Balina okuvaayo n'amateeka, obuyinza n'ebirala okufuna mu ddembe lyaabwe eriri mu kulangirirwa okwakakolebwa ekitandibawereddwa mu bwangu.
2. Okufaayo okw'enjawulo kulina okukolebwa mu kuteeka okulangirira okwakakolebwa mu ddembe n'byetaago eby'enjawulo eri abalimi n'abantu abakolera mu byalo, okuli abakadde, abakyala, abaana, n'abaliko obulemu ku mibiri, n'okulaba obwetaavu b'okwogera ku kusosolebwa okwa buli kika.
3. Nga tebafuddeyo ku mateeka ga njawulo ku bannakyaalo, ng'amateeka n'buwaayiro tebunnakirizibwa nakukozesebwa, endagaano z'ensi yonna n'okusalawo okuyinza okukosa abalimi n'abantu abakolera mu byaalo, amawanga galina okwebuza n'okukolagana n'abalimi wamu n'abantu abakolera mu byaalo nga bayita mu bibiina mwebegattira, okufuna obuwagizi bwaabwe kubanga bebayinza okukosebwa singa okusalawo kukolebwa nga tebebuzziddwaako, n'okuddamu ku ki kyebateekamu, okutunula mu kyekubiira mu buyinza aliwo mu biwayi eby'enjawulo n'okukakasa nti abalimi ssekinnoomu oba mu bibiina bennyigira mu kusalawo okw'amazima n'obwenkanya okutaalimu kyekubiira.
4. Amawanga galina okulambulula, okuvvunula n'okuteekawo endagaano z'ensi yonna ezeetagisa n'enkola mwebenyigira etalinnyirira ddembe lyaabwe lya buntu lyebalina ng'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo.
5. Amawanga galina okukola ekisoboka okulaba nti teri atali munnansi asobola kusalawo, okugeza ebitongole eby'obwanannyini wamu n'abantu, amakampuni g'ensi yonna, n'abalala, ekitiibwa n'okuggumiza eddembe ly'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo.
6. Amawanga, okumanya omugaso g'obwegassi bw'ensi yonna mu kuwagira amawanga okumanya omugaso n'ebigendererwa by'okulangirirwa okwakakolebwa, balina okubaawo kyebakola ku nsonga eno, wakati w'amawanga, n'okukwatagana n'ebitongole by'ensi yonna eby'enjawulo n'ebitundu, n'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu, ery'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo, n'abalala. Mu bino muli:
 - a) Okukakasa nti ebitongole ebyeetagisa, nga mulimu n'ebitongole by'enkulakulana, nabyo bitekeddwaamu, ebituukikako era ebirumirirwa abalimi n'abantu abakolera mu byaalo;
 - b) Okuvujjirira n'okuwagira obusobozi, mu kugabana n'okuwangana amawulire, obukugu, okutendeka n'enkola ezisinga;
 - c) Okuvujjirira ebweggasi mu kunonyereza ku magezi ga ssayaansi ne tekinologiya;
 - d) Okuwaayo obuyambi, obwetaagisa, obw'ekikugu nobw'ensimbi, okuvujjirira okugabana tekinologiya, nga bayita mu kutambuza tekinologiya, naddala mu mawanga agakula, oba ku bukwakkulizo obukkirizibwaako;
 - e) Okutumbula enkola y'obutale ku mutindo gw'ensi yonna, n'okuvujjirira amawulire mu butale, okuli amaterekero g'emmere, mu kussa ekkomo ku miwendo gy'emmere egikyukakyuka buli kiseera.

Akawaayiro 3

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byalo balina eddembe okweyagalira mu ddembe ly'obuntu lyonna nga bweryogerwaako mu Charter of the United Nations, the Universal Declaration of Human Rights n'ebibiina by'eddembe ly'obuntu mu nsi yonna, obutasosolwa mu mbeera yonna nga benyumiriza mu ddembe ly'obuntu nga besigamya ku nsibuko, eggwanga, laangi, olulimi, ekikula, eddiini, eby'obufuzi, obuzaale, emyaaka, obuwangwa, n'ebirala.
2. Abalimi n'abantu abakolera mu byalo balina eddembe okwenyigira mu kumanya n'okutondawo enkola mwebeyagalira mu ddembe lyaabwe eryenkulakulana.
3. Amawanga galina okuvaayo n'enteekateeka z'okumalawo obusosoze obw'engeri zonna, eri abalimi n'abantu n'abakolera mu byaalo.

Akawaayiro 4

1. Amawanga galina okukola ekisoboka okumalawo okusosola abakyala n'abalimi n'abakolera mu byalo okutumbula amaanyi gaabwe, okulaba nti omwenkanonkano wakati w'abaami n'abakyala, bonna bafuna kyenkanyi eddembe lyebalina okufuna, okwenyigira n'okufuna mu by'enfuna y'omubyallo n'enkulakulana mu by'obufuzi, eby'ensimbi, n'obuwangwa.
2. Amawanga galina okulaba nti abakyala abalimi n'abakolera mu byalo banyumirwa nga tebasosoddwa eddembe lyaabwe agoogerwako mu kulangirirwa n'ebibiina ebirala eby'eddembe, omuli n'eddembe:
 - a. Okwenyigira kyenkanyi okukola n'okunyikiza enteekateeka z'enkulakulana ku mitendera gyonna;
 - b. Okufuna obujanjabi bw'omubiri n'obwongo obw'omulembe kyenkanyi, okulabirirwa, amawulire, okubuulirirwa n'empereza ya kizaala ggumba.
 - c. Okufuna mu nteekateeka z'ebwokwerinda mu kitundu;
 - d. Okufuna okutendekebwa kwonna neby'enjigiriza, okugunjufu oba okutali, omuli okutendekebwa n'okusoma ku by'omutwe, n'okuganyumirwa mu buli nkulakulana mu kitundu eky'ongerera ku bumanyi bwaabwe;
 - e. Okuteekawo obubiina bw'obwegassi okusobola okwekulakulanya mu by'enfuna n'okwetonderawo emirimu;
 - f. Okwenyigira mu mirimu gyonna mu kitundu;
 - g. Okufuna kyenkanyi eby'ensimbi, okwewola kweby'obulimi, akatale ne tekinologiya;
 - h. Obwenkanya mu kuzozesa n'okukuuma ettaka n'obutonde bw'ensi, empisa ya kyenkanyi oba esingako mu ttaka n'obuyinza ku ttaka awamu n'okusengulwa;
 - i. Emirimu emirungi, ensasula eyekykanyani, obukuumi, n'okwenyigira mu mirimu egivaamu ensimbi;
 - j. Obutaba mu kasambattuko konna.

Akawaayiro 5

1. Abalimi n'abantu ababeera mu byaalo balina eddembe n'olukusa okukozesa mu mbeera zonna okukozesa obutonde bw'ensi mu bitundu byaabwe okunyumirwa embeera ennungi, mu nkwatagana y'akawayiro 28 mu kulangirira okuliwo.
2. Amawanga galina okulaba nti emirimu gyonna egyonoona obutonde nga kikosa abalimi n'abantu abakolera mu byaalo okuleka nga bakkiriza, wabula nga tebakoma ku:
 - a. Okwekennnya okujjuvu ku bivaamu eri obutonde n'abantu,
 - b. Okwebuuzza, mu mutima mulungi, nga mu kawayiro 2(3) mu kulangirirwa okwakakolebwa;
 - c. Enteseganya ku kugabana mu biva mu mirimu gino kyenkanyi mu buwaayiro obukkirimizibwaako abalimi n'abantu abakolera mu byalo.

Akawaayiro 6

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe eri obulamu, ekitiibwa ku mubiri n'obwongo, eddembe neby'okwerinda kw'abantu;
2. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo tebalina kumala gakwatibwa n'okuggalirwa, okutulugunyizibwa obwa ekikola kyonna ekitali kya buntu, era tebalina kufuulibwa baddu wadde okukozesebwa nga tebesimidde.

Akawaayiro 7

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe ly'okwogerwako mu mateeka.
2. Amawanga galina okulaba nti abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe ly'okutambula.
3. Amawanga galina okulaba nti wekyetagisizza, nti bakwatagana neboogera ku nsonga ezinyiga abalimi n'abantu abakolera mu byaalo, ku mutendera gw'ensi yonna, nga bwekiri mu kawayiro 28 mu kulangirirwa okwakakolebwa.

Akawaayiro 8

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe kubyebalowooza, enzikiriza, eddiini, ekirowoozo, okweyabya n'okukungaana. Balina eddembe okulowooza, mu buwandiike, mu kwogera oba mu mpapula, oba mu mawulire ku mitendera gyonna.
2. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe, ng'omuntu oba mu bwegassi n'abantu abalala mu kitundu, okwenyigira mu mirimu egy'eddembe egirwanyisa okulinyirira kw'eddembe ly'obuntu.
3. Eddembe ly'obuntu eriweebwa mu kiwandiiko kino lijirako emirimu egy'enjawulo n'obuvunanyizibwa. Era kuyinza okubaako ekkomo, wabula nga kino kikolebwa mu mateeka oba nga kyetagisa:

- a. Ku lw'ekitiibwa eri eddembe n'abalala;
 - b. Kulw'okukuuma eby'okwerinda by'eggwanga, oba eby'obulamu oba empisa.
4. Amawanga galina okulaba nti eby'okwerinda biweebwa buli omu, okuva eri obusambattuko, obuvuyo, okutisibwatisibwa, oba okulinyirirwa kw'eddembe ly'obuntu nga bweribaweebwa mu kulangirirwa okwakakolebwa.

Akawaayiro 9

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okutondawo ebibiina by'obwegassi, muby'obulimi, obusuubuzi n'ebirala oba ebibiina ebyaabwe kubwaabwe, nebasalawo, ku magoba n'okulamuzi. Ebibiina bino birina kuba butengerera era bya kyeyagalire, era tebirina kutisibwatisibwa oba okunyigirizibwa.
2. Tewali kkomo lirina kutekebwa ku ddembe lino okuleka ekkomo erirambikibwa mu tteeka era nga lirambulukufu mu by'okwerinda byeggwanga, mu mateeka, eby'okwerinda mu by'obulamu, oba empisa oba okukuuma eddembe ly'obuntu n'abalala.
3. Amawanga galina okukubiriza abalimi n'abantu abakolera mu byalo okutondawo ebibiina by'obwegassi, n'ekigendererwa ky'okujja emisanvu mu nkulakulana yaabwe, okufuna obwenkanya mumateeka, omuli okusolwa mu bukulembeze mu bibiina byaabwe ne bammemba, okubagumya n'okubazzamu amaanyi mu bifo byaabwe, nga bateekateeka okulaba nti embeera n'emiwendo gy'amazima na bwenkanya era tegirinyirira ddembe lyaabwe n'ekitiibwa mu bulamu bwaabwe.

Akawaayiro 10.

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okwenyigira, ng'abantu oba mu bibiina, mu nteekateeka, okuteeka mu nkola amateeka, pulogulaamu, pulojekiti eziyinda okukosa obulamu bwaabwe, ettaka oba okubeerawo kwaabwe.
2. Amawanga gakatumbula okwenyigira kw'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo, mu buntu oba mu bibiina byaabwe, mu kusalawo okuyinza okukosa obulamu bwaabwe, ettaka, oba embeera z'obulamu bwaabwe; muno mulimu okutandikawo ebibiina ebyetongode eby'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo, n'okwenyigira mu kutegeka n'okussa mu nkola obukuumi bw'emmere, abakozi n'obutonde ebiyinda okubakosa.

Akawaayiro 11

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okunoonya, okufuna, okutondawo n'okuleeta amawulire, omuli n'amawulire agayinza okukosa amakungula, entegeka, akatale wamu n'kutambuza ebirime.
2. Amawanga gafube okulaba nti abalimi n'abantu abakolera mu byaalo bafuna amawulire amatuufu, mu budde era ageetagisa, mu lulimi lwebamanyi, era

mu ngeri eya bulijjo okubazzaamu amaanyi n'okulaba nti beenyigira mu kusalawo okuyinza okukosa obulamu bwaabwe, ettaka n'embeera zaabwe.

3. Amawanga galina okulaba nti abalimi n'abantu abakolera mu byalo bafuna engeri ennungi era ez'obwenkanya mu kukakasa n'okulaba omutindo gw'ebirime byaabwe ku mitendera gyonna, n'okutumbula okwenyigira kwaabwe mu ntondawo zino.

Akawaayiro 12

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okufuna obwenkanya awatali busosoze, omuli emitendera emituufu mu kufuna obwenkanya mu kulinyirira eddembe lyaabwe ery'obuntu. Okusalawo kuno kulina kuzinziira ku buwangwa, ennono, n'amateeka agali wansi w'eddembe ly'obuntu mu nsi yonna.
2. Amawanga galina okuwa obwenkanya omutali kyekubiira, mu ngeri yonna esoboka eri obutakkanya mu nnimi abakwatibwaako zebawulira, era balina okuwa buli kisaana, nga mu bino mulimu, okujulira, okuliwirira, n'okulongoosa.
3. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okufuna obuyambi bw'amateeka. Amawanga galina okulaba nti enkola endala, omuli, obuyambi bw'amateeka, okuyamaba ku balimi n'abantu abakolera mu byaalo abatasobola kufuna buyambi bwa mateeka.
4. Amawanga galina okwongera amaanyi mu bitongole ebirwanirira n'okukuuma eddembe ly'obuntu, omuli n'eryo ery'ogerwako mu kulangirira.
5. Amawanga galina okuwa abalimi n'abantu bakolera mu byaalo engeri n'enkola y'okwewala n'okwetegekera ekikolwa kyonna ekigendererwaamu oba ekyinza okulinyirira eddembe lly'obuntu, okubanyagako ettaka n'obutonde bw'ensi, oba okubajjako embeera zaabwe ez'obuntu n'ekitiibwa, oba okusengulwa ku ttaka kwonna mu bumenyi bw'amateeka.

Akawaayiro 13

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okukola, mulimu n'eddembe okwerondera omulimu kyeere.
2. Abaana b'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe lyeby'okwerinda okuva eri akabi oba ekibalemesa okusoma, oba ekiyinda okubakosa mu bwongo, ku mubiri, omwooyo, empisa oba enkulakulana mu bitundu.
3. Amawanga galina okutondawo emirimu eri abalimi n'abantu abakolera mu byaalo nab'omunju zaabwe, nga bafuna omusala ogwegasa okusobola okwebezaawo mu bulamu obulungi.

4. Mu nsi ezirimu obwaavu obunji mu byaalo n'obutaba na mirimu mu biwayi ebirala, amawanga galina okuteekawo n'okutumbula enkola ekuuma emmere etakosa bakozi mu kubatonderawo emirimu.
5. Amawanga, agalondoola mu ngeri ey'enjawulo enkola y'abalimi n'abalunzi b'ebyenyanja abawansi, balin okulondoola mu mateeka nga batekaawo, we kyetagisizza, ensimbi ezivujjirira abakozi abalondoola emirimu mu byaalo.
6. Tewali alina kukakibwa kukola, kuteekebwa mu katyabaga ka kukukusibwa oba okufuulibwa omuddu. Amawanga, galina okukolagana n'okukwatira wamu n'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo, nemu bibiina mwebegattira, okulaba nti bakumiibwa okuva mu kulinyirirwa mu byenfuna, okukozesa abaana abato, n'obuddu mu ngeri yonna, okugeza okusinga abakyala, abaami n'abaana, n'okukakibwa okukola omuli abavubi, abakola mu bibira, n'abapakasi.

Akawaayiro 14

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo, oba bakiseera oba bapakasi, balina eddembe okukolera mu mbeera ennungi, okwenyigira mu kuteekawo n'okwekenneenya enkola ennungi, okulonda bakiise mu bulamu n'obutebenkevu wamu n'abakiise mu bukiiko bw'obutebenkevu n'obulamu, okuteekawo enkola z'okwewala n'okukendeeza akabi n'akatyabaga, okufuna ebibakuuma ku mirimu era okufuna amawulire n'okutendekebwa okumala ku kwekuuma ku mirimu, okukolera awatali kutulugunyizibwa omuli okukabasanyizibwa, okuloopa embeera mwebakolera ezitali nnungi n'okwejja mu buzibu ku bulamu bwaabwe nga bali ku mirimu.
2. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe obutakozesa bitamiiza n'biragalalagala, omuli eby'obulimi n'amakolero.
3. Amawanga galina okulaba nti abalimi n'abantu abakolera mu byalo bakolera mu mbeera ennungi, era zirina okuteekawo abavunanyizibwa n'okuteekawo enkola ekwasisa amateeka bu butebenkevu n'obulamu mu bulimi, ebibira n'obulunzi, okuteekawo ebibonerezo ebisaanidde, n'okutondawo enkola y'okulondoola mu byaalo.
4. Amawanga galina okukola ekisoboka okulaba nti:
 - (a) Okwewala akatyaabaga ku by'obulamu n'obutebenkevu obuva ku tekinologiya, n'eddagala, nga bayita mu kubigaana n'okubiteekako ekkomo;
 - (b) Enkola ennungamu ey'eggwanga oba enkola endala ekkiriziddwa ab'obuyinza okutondawo enkola eyitibwaamu mu kuyingiza, okusengeka, okupanga, okusaasanya, okutuuma n'okukozesa eddagala

mu kulima, oba kuby'okugaanibwa oba okuteekawo ekkomo;

- (c) Nti abalimi, abayingiza, abasasanya, abatunda, abakyuusa, okutereka oba okusuula ebikozesebwa mu kulima bakkiriziganya n'emitendera gy'eggwanga, n'enkola endala ezeby'obulamu, n'okuwaayo amawulire ageetagisa mu lulimi olutongole oba ennimi ezikozesebwa mu ggwanga, nga, kisabibwa abakwatibwaako;
- (d) Nti waliwo enkola esaana okusuula, okutereka n'okukunganya ebiva mu ddagala lino, ebikebe n'ebirala okwewala okukozesebwa mu nkola endala eyinza okuleeta obuzibu ku butonde bw'ensi;
- (e) Okutondawo n'okukwasisa okusomesa ku ddagala n'obulabe bwaalyo erikozesebwa naddala mu byalo, era lyebatwaala ng'ekisinga gyebali.

Akawaayiro 15

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe ku mmere n'obutalumwa njala. Muno mulimu eddembe ly'okulima emmere n'eddembe ku ndya ennungi, ekibawa okunyumirwa okwawaggulu n'okukula obulungi mu mubiri, mu ndwoowa, n'amagezi.
2. Amawanga galina okulaba nti aabantu abakolera mu byaalo n'abalimi bafuna emmere emala, erimwa era eriibwa buli lunaku era kyenkanyi, okussa ekitiibwa mu buwangwa, okutereka emmere yomumaaso, era ebawa obulamu obulungi era obweyagaza, n'okuddamu eri ebyetaago byaabwe ng'abantu oba ebibiina.
3. Amawanga galina okufuba okulwanyisa okukonziba mu baana mu byaalo, mu nkola y'ebuyobulamu ebisookerwako, n'ebirala, okuteekawo tekinologiya aliwo n'okuteekawo emmere ennungi emmala n'okulaba nti abakyala bafuna emmere ennungi nga bali mbuto n'oluvannyuma lw'okuzaala.

Amawanga galina okulaba nti ebiwayi by'abantu bonna, omuli abaana n'abazadde, balina kyebamanyi, bafuna okusomesebwa ku ndya ennungi, era bawagirwa mu kukoza amagezi agasookerwako ku ndya ennungi ey'abaana n'omugaso gw'okuyonsa.

4. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okumanya emmere yaabwe neby'obulimi, nga biwagirwa amawanga ku ddembe ku buyinza ku mmere. Muno mulimu eddembe ly'okwesalirawo ku tteeka ly'emmere neby'obulimi n'eddembe eri emmere ennungi awamu n'ennima etalina buzibu ku butonde bwa nsi.
5. Amawanga galina okutondawo, nga gakolaganira wamu n'abalimi wamu n'abantu abakolera mu byalo, enkola za bonna ku mitendera gyonna, okukuuma eddembe ly'emmere emala, okutereka emmere, n'obuyinza ku mmere n'entambula y'emmere emmala, okutumbula n'okukuuma eddembe

eriri mu kulangirirwa. Amawanga galina okuteekawo enkola okulaba nti amagezi gaabwe mu mateeka g'enkulakulana, eby'obulimi, eby'enfuna, n'embeera zabulijjo wamu n'obuwangwa bikakasibwa mu kulangirirwa okwakakolebwa.

Akawaayiro 16

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe ly'okubeera obulungi nab'omunju zaabwe n'okulima kwebetaaga, omuli ebikozesebwa mu kulima, obuyambi bwekikugu, okwewola, yinsuwa n'obuyambi obulala obw'enjawulo. Balina eddembe okwenyigira mu mu mbeera zonna, mu nnima ey'edda, obuvubi, okulunda, n'okulima ebibira n'okukulakulanya eby'enfuna by'ekitundu.
2. Amawanga galina okulaba nti abalimi n'abantu abakolera mu byalo okutambuzza n'okusunsula, aw'okukaliza n'okukaliza ekibasobozesa okutunda ebirime byaabwe ku butale bwonna, ku miwendo egibawa akaseko ku matama n'embeera ennungi.
3. Amawanga galina okulaba nti gawagira n'okugumya obutale ku mitendera gyonna okusobozesa abalimi mu byalo n'abantu abakolera mu byalo, okubasobozesa okutundira ebirime byaabwe mu butale buno ku miwendo emirungi era egibagasa ne famire zaabwe.
4. Amawanga galina okulaba nti pulogulaamu n'enkola zaabwe ez'enkulakulana, obutonde bw'ensi, obusubuuzi n'okusiga ensimbi zibaako kyezikola ku kukuuma n'okuwagira embeera z'abantu n'okukyuka okukozesa ennima ennungi. Amawanga galina okutumbula ennima ennungi, omuli ey'obutonde, bekiba kisoboka, n'okuvujjirira akatale k'omulimi n'omuguzi.
5. Amawanga galina okulaba nti gagumya obusobozi bw'abalimi n'abantu abakolera mu byalo bw'okuva mu bigwa bitalaze n'ebizibu ebirala, okugeza akatale okugwa.
6. Amawanga galina okulaba nti emisaala emirungi giweebwa abakozi, awatali kusosolamu.

Akawaayiro 17

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe ku ttaka mu mbeera zonna, nga bwekiri mu kawaayiro 28 mu kulangirirwa, n'eddembe okukozesa ettaka, enzizi, emyaalo, omuddo n'ebibira, okwebezaawo, n'ekifo aw'okubeera mu butembekevu, eddembe, ekitiibwa n'okukulakulanya obuwangwa.
2. Amawanga galina okulaba nti gajjawo n'okukomya okusosola kwonna ku ttaka, omuli n'ebyo ebiva mu bufumbo, obutamanya mateeka oba obutaba na nsimbi.

3. Amawanga galina okulaba nti gateekawo amateeka ku ddembe ly'ettaka, omuli n'eddembe ku ttaka ly'ensikirano agatakuumibwa mateeka, okumanya ku kubeerawo kw'enkola ez'enjawulo. Amawanga galina okukuuma amateeka amatuufu n'okukakasa nti abalimi n'abantu abakolera mu byalo tebagobwa mu bukyaamu era n'eddembe lyaabwe teririnyirwa. Amawanga galina okukuuma obutonde n'ebigenderako mu kukozezewa n'okukumibwa.
4. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okukumibwa okuva eri okusengulwa mu bukyaamu okuva ku ttaka lyaabwe, oba okuva ku butonde bwebakoleramu emirimu gyaabwe okwebezaawo. Amawanga galina okukuuma amateeka agafuga okusengulwa agabulijjo n'okugagatta kwago agali mu ddembe ly'obuntu mu nsi yonna. Amawanga galina okugaana okusengulwa kwonna okutali mu mateeka, okwonoona ennimi, okubowa oba okweddiza ettaka n'obutonde obulala, n'enkola endala eziyinda okwekuusa ku lutalo.
5. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo abagobeddwa ku ttaka, balina eddembe okudda ku ttaka lyaabwe mu ngeri yonna, kwebajjibwa mu bukyaamu, omuli nebwekiba lutalo oba ebigwa bitalaze, era n'okuddamu okukozesa obutonde mu mirimu gyaabwe egibabezaawo, era baliyirirwe bwekiba tebasobola kudda ku ttaka lyaabwe.
6. Bwekiba kisoboka, amawanga gakole ekisoboka okukola emirimu gyeb'obulimi, okuvujjirira olukusa ku ttaka okusobozesa abalimi n'abantu mu byalo okunyumirwa, n'okussa ekkomo ku bwa nnanyini ku ttaka, n'okutunuulira omugaso gw'ettaka. Abalimi batalina ttaka, abavubuka, abavubi n'abakolera mu byaalo abalala okuweebwa omukisa ku ttaka lya gavumenti, ebidiba n'ebibira.
7. Amawanga galina okussa essira ku kukuuma ettaka n'obutonde obulala n'ebikolwaako, nga bayita mu nnima ey'obutonde, n'okulaba nti embeera mweriri eriwangaaza n'obutonde obulala.

Akawaayiro 18

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okukuuma obutonde bw'ensi n'ebikolebwa ku ttaka, n'obutonde obulala n'ebyebalikozesa.
2. Amawanga galina okulaba nti abalimi n'abakolera mu byalo, banyumirwa obutonde bw'ensi, awatali kusosolwa mu mbeera yonna.
3. Amawanga galina okukolagana n'ebitongole mu nsi yonna okulwanyisa okukyuka mu mbeera y'obudde. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okuzimba n'okussa mu nkola y'embeera y'obudde kwetambulira, omuli n'okukozesa amagezi amazaale.
4. Amawanga galina okulaba nti tewali kintu kyabulabe kisuulibwa mu ttaka ly'abalimi n'abantu abakolera mu byalo, era balina okwogera ku biyinda

okubalemesa okweyagalira mu ttaka ebiyinzira okuva mu kutuusa obulabe ku butonde bw'ensi.

5. Amawanga galina okukuuma abalimi n'abantu abakolera mu byalo okuva eri abatali bannansi, omuli okukwasisa amateeka g'obutonde bw'ensi, agakola ku kukuuma eddembe ly'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo.

Akawaayiro 19

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe ku nsigo, nga bwekiri mu kawaayiro 28 mu kulangirira, mulimu:
 - (a) Eddembe eri obukuumi eri amagezi amazaale agetaaga okukuuma ebimera ku mmere neby'obulimi;
 - (b) Eri eddembe okugabana kyenkanyi mu biva mu bimera kulwe mmere n'obulimi;
 - (c) Eddembe okwenyigira mu kusalawo ku nsonga ezekuusa ku kukuuma n'enkozesa y'ebimera ku mmere n'ebulimi;
 - (d) Eddembe okukozesa, okutaasa, okuwanyisiganya n'okutunda ensigo oba ekintu kyonna ekiva mu nmiro.
2. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okukuuma, okufuga n'okukulakulanya ensigo zaabwe ennansi n'amagezi amazaale.
3. Amawanga galina okulaba nti gassa ekitiibwa, okukuuma n'okutuukiriza eddembe eri ensigo eri abalimi n'abantu abakolera mu kyaalo.
4. Amawanga galina okulaba nti ensigo ez'omutindo era ennyingi weeziri era abalimi mu kiseera wezetagisibwa era ku miwendo egisoboka.
5. Amawanga galina okusiima abalimi okwesigamira ku nsigo zaabwe oba ku nsigo endala eziriwo zebaagala n'okusalawo ku bimera oba ensigo zebaagala okusimba.
6. Amawanga galina okulaba nti gawagira ensigo z'abalimi n'okutumbula ensigo eza bulijjo ez'obutonde.
7. Amawanga galina okulaba nti okunonyereza ku by'obulimi n'enkulakulana kwesigamira ku balimi n'abantu abakolera mu byaalo okukkakasa nti okwenyigira kwaabwe mu bisookerwako mu kunonyereza, n'okukulakulanya, okumanya ku bumanyirivu bwaabwe, okuteeka mu okunonyereza n'okukuza ebimera bi mulekwa n'ensigo ebiddamu, ebyetaago by'abalimi n'abakolera mu byaalo.
8. Amawanga galina okulaba nti amateeka g'ensigo, okukuuma ebimera n'amateeka amalala, emitendera egikakasa n'amateeka g'akatale ku nsigo

ebiteeka mu nkola n'okussa ekitiibwa mu ddembe, n'obwetaavu bw'abalimi n'abakolera mu byaalo.

Akawaayiro 20

1. Amawanga galina okulaba nti, nga gali wamu n'ebitongole by'ensiyonna, okwewala okukendeera n'okukakasa nti obutonde bukuumibwa n'okukozesebwa obulungi mu kutumbula n'okukuuma eddembe ly'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo.
2. Amawanga gavunanyizibwa ku kukuuma amagezi, okutandikawo n'enkola y'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo, omuli eby'obulimi, obulunzi, obuvubi, ebibira n'okukuuma obutonde bw'ensi.
3. Amawanga galina okwewala ebiyinja okuvaako okulinyirira eddembe ly'obuntu ery'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo nga biva ku nkulakulana, enkwata, entambula, enkozesa, entambuza oba okuta obuwuka bwonna obw'obulamu.

Akawaayiro 21

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe eri amazzi amayonjo wamu n'obuyonjo, eky'omugaso ennyo mu kunyumirwa eddembe ly'obuntu n'ekitiibwa. Mu bino mulimu ebifo by'amazzi ebirungi era ebionjo eby'omutindo, ebisoboka era ebituukikako era ebitasosola mu bantu, era ebikkirizibwa mu buwangwa.
2. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe eri amazzi ag'bwannanyini n'okukozesa awaka, mu nmiro, okuvuba n'okulunda n'okuterekera emirimu emirala egyetaaga amazzi, okugakuuma n'okugakozesa obulungi. Era balina eddembe okufuna n'okukuuma amazzi, n'obutamala gasalwaako wamu n'okugaddugaza.
3. Amawanga galina okussa ekitiibwa, okukuuma amazzi, omuli ag'obuwangwa n'agekitundu, mu butasosola, era galina okuba nga gasoboka mu ngeri yonna, mu bantu bonna, awatali kusosola mu bantu wa gyebava. Amawanga galina okutumbula tekinologiya asoboka, omuli okufukirira, tekinologiya ku kukoza amazzi amacaafu, awamu n'okukunganya n'okutereka amazzi.
4. Amawanga galina okukuuma ensibuko y'amazzi omuli ensozi, ebibira entobazzi, emigga n'ennyanja, okuva eri okukozesebwa mu ngeri enkyaamu, okuva mu makolero ebiyinja okuba eby'obutwa mu mazzi.
5. Amawanga galina okukugira ba nakigwanyizi okwawula mu kunyumirwa n'eddembe ly'abalimi n'abantu abakolera mu byalo eri amazzi. Amawanga galina okufuula amazzi eky'omugaso ekisooka eri abantu, okugakuuma n'okugatereka n'okugakozesa obulungi.

Akawaayiro 22

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe eri eby'okwerinda mu kitundu, omuli ne yinsuwa.
2. Amawanga galina, okusinziira ku mateeka g'eggwanga, okutumbula okwenyumiriza mu ddembe ly'obuntu eri abasenze abakozi mu byaalo.
3. Amawanga galina okutegeera nti balimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe eri eby'okwerinda, omuli yinsuwa, okusinziira kumateeka g'eggwanga, balina okutondawo oba okukuuma obweyamu bwaabwe ku by'okwerinda eri abantu. Obweyamu buno ekitono ennyo, mu bulamu, buli eyetaaga eby'obulamu, ebyenfuna ebisookerwako, wamu n'empereza ennungi mu buli kimu era eyesigika ku mutendera gw'eggwanga.
4. Obweyamu obusookerwako ku by'okwerinda birina kuba mu mateeka. Obwenkanya, obwerufu, obwangu, obusobozi obutali bumativu, n'okujulira birina okwawulwa. Enkola erina okubaawo okukwasaganya n'amateeka g'eggwanga.

Akawaayiro 23

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okweyagalira n'okufuna obujanjabi mu ngeri zonna obwa waggulu. Era balina eddembe okugenda mu buli ddwaliro awatali kusosolwa.
2. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okukuuma n'okukozesa eddagala ly'ekinnansi n'engeri zaabwe ez'okwejanjaba, omuli okukozesa ettaka, ebisolo, ebimera ng'eddagala.
3. Amawanga galina okukkiriza obujanjabi, n'empereza ennungi mu byalo awatali kusosolamu, naddala abali mu mbeera embi, okufuna eddagala lyonna, okugema endwadde enkambwe, obulamu bweby'okuzaala, okusomesa ku ndwadde ezisumbuwa ebitundu, engeri y'okuzeewalamu, okuzaala n'okulabirira abaana, wamu n'okutendeka abasawo, omuli okusoma ku by'obulamu n'eddembe ly'obuntu.

Akawaayiro 24

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe ly'awokusula. Balina eddembe okufuna ennyumba n'ekitundu mwebabeera mu ddembe n'ekitiibwa, awatali kusosolebwa mu ngeri yonna.
2. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okukuumbwa obutagobwa mu mayumba gaabwe, okutulugunyizibwa n'ebirala.
3. Amawanga tegatekeddwa, mu bumenyi bw'amateeka, mu kiseera oba luberera kusungula bantu mu nju oba ettaka lyaabwe nga tebakkirizza, nga

tewali kiwandiiko kitongole or obukuumi obulala. Okusengulwa bwekuba tekwalika, eggwanga lirina okulaba oba okukakasa nti baliyirirwa ku bintu eby'onoonebwa n'ebirala.

Akawaayiro 25

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okubangulwa ku butonde n'embeera za bulijjo mwebawangalira. Ebyogerwaako mu kutendekebwa mulina okubaamu, nga tekuli kkomo, okutumbula okulima, akatale, okulwanyisa ebwuka, ebiva mu kukozeza eddagala, okukyuuka mu mbeera y'obudde n'ebivaamu.
2. Abaana b'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe ly'okusoma nga bali ku buwanbwa bwaabwe n'ebyo byonna ebiri mu ddembe ly'obuntu.
3. Amawanga galina okuteekawo enkolagana etaliimu kyekubiira ey'omulimi ne banna ssayaansi, okugeza amasomero ku nnimiro, okuzaaza ebimera, amalwaaliro g'ebisolo n'ebimera, okuddamu amangu eri ebizibu ebya mangu abalimi n'abantu abakolera mu byalo byebasanga.
4. Amawanga galina okuteeka mu kusomesa, akatale n'amagezi ku nnimiro agakawata ku bulimi.

Akawaayiro 26

1. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe okunyimirwa obuwangwa bwaabwe n'ukulakulanya obuwangwa kyeere, awatali kusosolwa. Balina eddembe okukuuma, okufuga n'okukulakulanya obuwangwa bwaabwe, okugeza embeera z'obulamu, engeri y'okulima oba tekinologiya, oba obuwangwa n'ennono.

Tewali alina kwekwaasa buwangwa kulinyirira ddembe lya mulala ery'ensi yonna oba okukoma ku bwerikola.

2. Abalimi n'abantu abakolera mu byaalo balina eddembe, mu ngeri yonna, okweyabiza mu buwangwa, olulimi, eddiini, neby'emikono, kasita tebikontana na ddembe lya nsi yonna.
3. Amawanga gakussa ekitiibwa, n'okuteekawo engeri y'okukuuma eddembe ly'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo eryekuusa ku buwangwa n'okumalawo okusosola mu magezi mu buwangwa, ebikolwa, ne tekinologiya w'abalimi n'abantu abakolera mu byalo.

Akawaayiro 27

1. Ebitongole eby'enjawulo, ensimbi ne pulogulaamu za United Nations, n'ebitongole bya gavumenti ebirala, omuli n'ebyensimbi, birina okuba nekyebikolawo ku kulangirira okupya, omuli okulondoola, n'ebirala,


obuyambi bw'enkulakulana n'obweggasi. Engeri n'enkola y'okulaba nti okwenyigira kw'abalimi n'abantu abakolera mu byaalo ku nsonga ezibanyiga zikolwaako.

2. United Nations n'ebitongole byaayo ebirala, ensimbi ne pulogulaamu, n'ebitongole bya gavumenti ebirala, omuli eby'ensimbi mu nsi yonna nemu bitundu, baakutumbula ekitiibwa n'okussa mu nkola okulangirirwa kuno, n'okulondoola butya bwekola.

Akawaayiro 28.

1. Tewali mu kulangirira kuliwo kuvvunulwa ng'ekitaliimu, okunafuya oba okusazaamu eddembe abalimi n'abantu abakolera mu byalo lyebalina okufuna oba mu biseera ebijja.
2. Eddembe ly'obuntu erya buli omu, awatali kusosola kwonna, lyakuweebwa ekitiibwa mu ngeri yonna nga bwekirambikibwa mu kulangirira okupya. Okukwasisa eddembe ly'obuntu okusuubirwa mu kulangirira okuliwo kwakubaako ekkomo nga bwekirambikibwa mu mateeka ago gokka agakkirizibwa ku mutendera gw'ensi yonna n'eddembe ly'obuntu. Ekkomo lyonna teririna kusosola era kirina kukolebwa nakigendererwa kya kukuuma kitiibwa na ddembe mu bujjuvu ery'abalala n'okutuukiriza ebyetaagisa ebayamaanyi.

OKULONDA KW'OLUKUNGANA LWA MAWANGA MAGATTE KWABWE KU DDEMBE LY'ABALIMI N'ABANTU ABA MU BYAALO AMAWANGA A ABATONOTONO NABA



- 10 tebalonda
- 8 bawakanya
- 54 bebalama
- 121 bawagira


OKULONDA OKWE

Ensalosalo N'amanya agalagibwa ku mapu eno tegategeza kulaga ndowoza ya La Via Campesina kumbeera y'amateeka g'ensi yona, amatwale, ekibuga, ekifo oba abakyikulira, oba ebikwata kujukawo ensalosalozabwe.

Byajidwa mu: Mapu y'ensi yona 4170 R17 Feb19//UN.org

8
5
10

E KU KULANGIRIRA ALALA ABAKOLERA MAGATTE ABALIMI LALA NTEVU 2018



ENKOMEREDDE:
121 BAWAGIRA
BAWAKANYA
54 BEBALAMA
TEBALONDA

Abawagira

Afghanistan, Algeria, Angola, Antigua and Barbuda, Azerbaijan, Bahamas, Bahrain, Bangladesh, Barbados, Belarus, Belize, Benin, Bhutan, Bolivia, Botswana, Brunei Darussalam, Burundi, Cabo Verde, Cambodia, Central African Republic, Chad, Chile, Comoros, Congo, Costa Rica, Côte d'Ivoire, Cuba, North Korea, Democratic Republic of the Congo, Djibouti, Dominica, Dominican Republic, Ecuador, Egypt, El Salvador, Eritrea, Gabon, Gambia, Ghana, Grenada, Guinea, Guinea-Bissau, Guyana, Haiti, India, Indonesia, Iran, Iraq, Jamaica, Jordan, Kazakhstan, Kenya, Kuwait, Kyrgyzstan, Laos, Lebanon, Liberia, Libya, Luxembourg, Madagascar, Malawi, Malaysia, Maldives, Mali, Mauritania, Mauritius, Mexico, Monaco, Mongolia, Morocco, Mozambique, Myanmar, Namibia, Nepal, Nicaragua, Niger, Nigeria, Oman, Pakistan, Panama, Papua New Guinea, Peru, Philippines, Portugal, Qatar, Moldova, Rwanda, Saint Kitts and Nevis, Saint Lucia, Saint Vincent and the Grenadines, Sao Tome and Principe, Saudi Arabia, Senegal, Serbia, Seychelles, Sierra Leone, Solomon Islands, Somalia, South Africa, South Sudan, Sri Lanka, Sudan, Suriname, Switzerland, Syria, Tajikistan, Thailand, Timor-Leste, Togo, Trinidad and Tobago, Tunisia, Uganda, United Arab Emirates, Tanzania, Uruguay, Uzbekistan, Venezuela, Viet Nam, Yemen, Zambia and Zimbabwe.

Abawakanya

Australia, Guatemala, Hungary, Israel, New Zealand, Sweden, the United Kingdom and the United States of America.


Abebalama


Albania, Andorra, Argentina, Armenia, Austria, Belgium, Bosnia and Herzegovina, Brazil, Bulgaria, Cameroon, Canada, Colombia, Croatia, Cyprus, Czechia, Denmark, Estonia, Ethiopia, Fiji, Finland, France, Georgia, Germany, Greece, Honduras, Iceland, Ireland, Italy, Japan, Kiribati, Latvia, Lesotho, Liechtenstein, Lithuania, Malta, Montenegro, Netherlands, Norway, Palau, Poland, South Korea, Romania, Russia, Samoa, San Marino, Singapore, Slovakia, Slovenia, Spain, Northern Macedonia, Turkey, Tuvalu, Ukraine, and Vanuatu.


Abatalonda


Turkmenistan, Eswatini, Burkina Faso, China, Republic of Nauru, Micronesia, Marshall Islands, Tonga, Paraguay, Equatorial Guinea













**La Via Campesina
International Secretariat
Stand No. 197A, Smuts Road Prospect
Waterfalls – Harare – Zimbabwe
viacampesina@viacampesina.org**

**www.viacampesina.org/en
tv.viacampesina.org**

 [ViaCampesinaOfficial](https://www.facebook.com/ViaCampesinaOfficial)  [@via_campesina](https://twitter.com/via_campesina)